## AMAGYE GAJJANJABYE ABANTU



AMAGYE ga UPDF gaategese olusiisira lw'ebyobulamu okujaguza olunaku lw'abakyala ne basaba abantu okuloopa abeenyigira mu kulya enguzi ekikonzibya ebyobulamu ekissa obulamu bwa Bannayuganda mu matigga. Olusiisira baalukubye mu ssomero lya KCCA Primary School e Kamwokya. Akulira eby'abakyala mu UPDF, Brig Gen. Charity Bainababo **(waggulu)** yategeezezza nti baasazeewo okutegeka olusiisira luno oluvannyuma lw'okukizuula ng'abantu bangi ababeera mu ghetto naddala abakyala balina endwadde ezeetaga obujjanjabi.